# KCCA erabudde ebbaala ezireekaanya ebidongo

Bya RACHEAL NANKYA

EKITONGOLE kya KCCA kiwadde ebbaala z'omu Kampala nsalessale wa nnaku 14 okukola ku nsonga y'amaloboozi g'ebidongo naddala mu kiro ng'ezinaasangibwa nga tezigoberera mateeka, zaakuggalwa.

Mu ngeri y'emu KCCA eragidde bannannyini bizimbe okubitereeza bituukane n'omulembe. Bino byayogeddwa akulira ekitongole kino, Hajati Sharifah Buzeki bwe yabadde ku Media Center mu Kampala.

Yalagidde bannannyini bizimbe okubisiiga, okutereeza abantu we batambulira, okusimba ebimuli, okukuuma obuyonjo, okufuna we bateeka kasasiro n'okuteekawo akapande akalaga ebyo bye batunda ng'abanaalemererwa, baakuvunaanibwa.

Yalaze bwe batereezezza ebyentambula nga mu kiseera kino bakyagenda mu maaso n'okuwandiisa aba boda n'okulambika aba takisi okukolera mu bifo ebikkirizibwa.

Yagambye nti baaleese ne bbaasi z'amasannyalaze nga zikyali mu kugezesebwa nga baagala okufuna ebirowoozo by'abo abali mu bizinensi y'ebyentambula, era omwezi guno (May) we gunaggweerako, zijja kuba zitandikidde ddala okukola.


## ALABUDDE EBIFO EBISANYUKIRWAMU

Ab'ebifo ebisanyukirwamu nga ebbaala yabalabudde okuggala ebifo byabwe era abanaasangibwa nga bifulumya amaloboozi agataataaganya abalala, ebyuma byabwe byakuwambibwa.

Yalabudde n'abawa ssente abaana abasabiriza ku nguudo n'agamba nti be babakuumiddeko, noolwekyo abanaasangibwa nga bazibawa, baakukwatibwa.

Yagambye nti n'abaggya abalwadde mu malwaliro ne babaleeta ku nguudo okusabiriza, baakukwatibwa bavunaanibwe.

Yasiimye Bannakampala olw'okugondera ekiragiro kya Gavumenti okuva mu nguudo n'agattako nti ekiseera kino omusolo gwe bakung'aanya gweyongedde ne gutuuka ku buwumbi 127.



Buzeki (ku ddyo) n'omwogezi wa KCCA, Daniel Nuweabine.